

CBM Uganda

Ab'oluganda mu Yesu Kristo

Ebikulu mu mazima ga Baibuli

SSABBIITI

Lunaku lwa njawulo?

Bw'onomala okusoma akatabo kano ojja koba nga omaze okufuna okudiibwamu eri ebibuzo binno wansi:

1. Lunaku ki olwa ssabbiiti?
2. Yesu yalooza ku lunaku lwa ssabbiiti ng'olwenjawulo?
3. Kigwanidde aba Kristo okukuuma ssabbiiti?
4. "Kuwumula" ki Katonda kw'asubiza aba Kristo abeesigwa?

1. Lunaku ki olwa ssabbiiti?

Enziramu ye kibuzo kinno eyinza okukwewunyisa. Ssabbiiti y'omu Baibuli yatandiikanga buwungeera ku lwa kuttano nekomenkerzebwa ku lw'omukaaga akawungezi. Eno y'engeri Abayudaya gye bagyikumangamu. "Olunaku" lwatandiikanga enzikizza ekute.

Ensonga lwaki kyalinga bwekiti ensangibwa mu Oluberyeberye 1: 5: "Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olumu." Akawungeezi ke kasokanga.

Ssabbiiti na byonna ebigyigenderako by'awandiikibwa oluvanyuma lwa myaka nga 2500, mu kitabo eky'o Kuva 20: 9, 10: "Ennaku omukaaga okolanga emirimu gyo gyonna: naye olunaku olw'omusanvu ye ssabbiiti eri Mukama Katonda wo. Olunaku olwo tolukolerangamu mirimu gyonna gyonna...Mukama kyeyava aluwa omukisa olunaku olwa ssabbiiti, n'alutukuza. Abayudaya abathodox bakyakuuma ssabbiiti eyo ne kakati. Eri abo naddala abaddu, oluwumula lunno lwalinga olwewunyisa ennyo gyebali. Lwalinga olunaku olwabuli kin'omu okwerekereza emirimu gyonna egyibade gyikoleebwa mu Wiiki. Ssabbiiti yo yali ya kusiinza Mukama kwoka.

2. Yesu yalooza ku ssabbiiti ng'olunaku olw'enjawulo?

Waliwo enjawulo nnene nnyo wakati w'abakade Abayudaya ne Yesu kundooza yabwe ku ssabbiiti ng'ogyigeraganyiza. Abakade bali nga tebaliko kyekubira. Bali bagumu nnyo eri banaabwe abatakolanga bo. Era bali bakambwe nnyo n'okusingako ne Katonda kyeyali agenderede mu ssabbiiti.

Ye Yesu yalina endooza ya njawulo. Yategerera dala amakulu ga ssabbiiti.

Abakade bo ekyalinga kibakwatako ennyo "z'enukuta z'eteeka" Yesu ye, yafannyo ku mwooyo gwe'eteeka Yesu bweyawonyanga abassajja n'abakazi ku ssabbiiti abakade bo tebakyagalira dala. Era be mulugunya nti omussajja omulema Yesu ggwe yawonya yali "akola" ku ssabbiiti. Lwakuba omusajja ono yasitula omukeeka ggwe ng'amaze okuwonyezeebwa! Era bawakanya eky'abayigirizwa okunoga ebirimba ne balya ku lunaku lwa ssabbiiti.

Yesu bweyawonyanga ku ssabbiiti yalaba ng'aweesa kitaawe ekitiibwa olw'omulimo ogwo. Mu kinno Yesu ateekwa okuba nga yali mutufu, kubanga yali azze ku kola kitaawe by'ayagala, era kyekyo kyeyakola. Mukama yali musanyufu okuyita Yesu, "Omwaana wange omwagalwa". Yesu yagamba nti "ssabbiiti yabaawo ku lwa muntu, so omuntu si ku lwa ssabbiiti" (Makko 2: 27, 28).

Lwali lunaku olw'akuwumulirwako n'okusiinza, n'okuwa Katonda ekitiibwa nga okola okwagala kwe. Era ne Yesu bwe y'awonya omukazi eyali yakalwalira emyaka ekkumi n'omunaana ng'agongobadde (Luk 13: 11-13), n'omusajja eyali nga alwalidde embanga ly'emyaka asatu mu munaana (Yok. 5: 1-9) abakade Abayudaya bemulugunya. Kyoka ssabbiiti mu kukola okwa Yesu yeyongeera amakulu.

Kwe kugamba nti Yesu yali asusaawo okuwumuza obuwumuzi emibiri bwe yagamba nti "Mujje gyendi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza...muyigire ku nze ... naamwe muliraba ekiwummulo eky'omu myoyo gyammwe" (Mat. 11: 28-30). Yesu yali ng'abalaga ekuubo ery'obulamu obw'olubereera.

Eky'okulabirako kwa Yesu kutuyamba okutegeera okutufu eri ssabbiiti. Yakolanga emirimu gya kitaawe ow'omuggulu buli lunaku. N'abagoberezi be bwe kiti bwe kibagwanidde okukolanga. Okukola Katonda by'ayagala ky'amakulu nnyo okusinga okuda awo mu kuwakana nti oba okukuma ssabbiiti kwa muwendo nnyo.

3. Kigwanidde aba Kristo okukuuma ssabbiiti?

Waliwo ensonga nnyingi nnyo lwaki owa Kristo teyandiwalirizidwa okukuuma ssabbiiti nga olunaku olw'enjawulo ku nnaku endala.

a) Tewali lunyiiriri lwona mu Ndagaano empya olutulagira okukuuma ssabbiiti.

b) Mu Ebikolwa bya batume 15, abakadde eb'ekanisa basalaawo nti "obutateganya" abo abava mu mawanga (abatali Bayudaya) okukyukira Katonda, naye okwewalanga obugwagwa bw'ebifaananyi, n'obwenzi, n'ebitugiddwa, n'omusaayi. Gaali magezi malungi. Kinno nga kireeta "emirembe wakati w'a Bayudaya n'abamawanga aba Kristo. Wetegereze nti tewaali kiragiyo kyonna ekikwata ku ssabbiiti ekyatekeebwamu mu bbaluwa enno eri Abamawanga aba Kristo, okugyikumanga.

c) Endagaano empya tewali wegambira nti abagoberezi ba Kristo balizikirizibwa olw'obutakuuma ssabbiiti.

d) Mu kitabo eky'okuva 31: 13-17, kilambikiddwa bulungi nti ssabbiiti kali akaboneero wakati ma Katonda ne Isiraeri Tewali wagamba nti kali akaboneero wakati wa Katonda n'abakristo.

e) Aba Kristo tebafugiibwa teeka lya Musa. Paulo kinno ekyogerako bulungi Abaggalatiya 3: 24, 25: "Bwe kityo amateeka yali mutwazi eri Kristo, tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okukkiriza. Naye okukkiriza bwe kumaze okujja, tetukyali mu bufuge bwa mutwazi". Paulo ali kututegeza nti: waliwo eddembe mu Kristo eri abo abamukkiriza. Mu butuufu, Paulo kyamunyiza nnyo okulaba nga abamu kubagoberezi ba Kristo bali badayo kukufugibwa kw'amateeka. Abali bakola kinno yabayita "Abaggalatiya abasirusiru" (Bag. 3: 1).

Aba Kristo baddembe okusalaawo oba nga bandyagadde okutwala ssabbiiti ng'olunaku olw'enjawulo oba nedda.

Paulo agamba bwati: "Kale omuntu yenna tabanenyanga mu by'okulya oba mu by'okunywa, oba olw'embaga oba olw'omweezi oguboneka oba olwa ssabbiiti, ebyo kye kisiikirize ky'ebyo ebigenda okujja naye omubiri gwe gwa Kristo" (Bak. 2: 16, 17).

Kristo ye nyini gwe mubiri. Ebigambo bye n'ebikolwa bisaanye okukyusa obulamu bwafe. Amateeka gaali ekisiikirize. Okuwakana nti kitufu oba sikitufu okukuma ssabbiiti nga olunaku olw'enjawulo oba nga awakana n'ekisiikirize. Kuba kubulwa nsonga. Okutegeera ku bulamu bwa Kristo kye ky'omugaso ennyo.

Paulo atubulira mu lulimi olwangu nti "Omuntu omulala alowooza olunaku olumu okusinga olulala, omulala alowooza ennaku zonna okwenkanankana. Buli omu ategeerere nga ddala mu magezi ge yekka. Kinno kale kitegeza nti tewali mu Kristo oba ekibiina eky'aba Kristo kuba nga buyinza obugamba abalala nti bateekwa okukuuma ssabbiiti. Abayudaya bakuumanga ssabbiiti kubanga mukama yali abalagidde bw'atyo.

Aba kristo bwebasalawo bayinza okukola bwe batyo nabo, naye sikugamba nti bateekeddwa okukikola. Katonda tabalagiranga kukuuma ssabbiiti era tabawanga teeka.

4. "Kuwummula" ki Katonda kwasubiza abakristo abesiigwa?

"Okusuubiza okw'okuyingira mu kiwummulo kukyatulekeddwa...Leero bwe munaawulira eddoboosi lye temukakanyaza mitima gyammwe...Kale wasigaddeyo ekiwummulo kya ssabbiiti eri abantu ba Katonda" (Beb. 4: 1-9). Tutegeera nti Yesu atuleteera okuwummula mu myoyo kati. Naye waliyo emikisa eminene gyagenda okutuleteera. Gyiritandiika nga Yesu akomyeewo ku nsi. Alizuukiza abafu era naawa abagobeerezi be abeesigwa mu buli mulembe obulamu obw'emirembe n'emirembe. Alijja nga kabaka wa bakabaka ne mukama wabaami." Biriba ebiseera eby'eddembe n'esanyu eringa. Baibuli ebiseera ebyo ebiyita: "obwa kabaka bwa Katonda". Mu kiseera ekyo obubaka obw'okwewunyisa buliba" obwakabaka bw'ensi enno bufuse obwakabaka bwa mukama waffe, ne Kristo we: era anaafuga nga emirembe n'emirembe (Kub. 11: 15).

Abo abalirokolebwa baliyambako Yesu okubulira ekigambo eky'obulokozi eri amawanga ag'okunsi. Nga kya Mukisa! Bwetusinza Katonda nga bwayagala buli lunaku kati, ate nga si ku ssabbiiti kwoka, obulamu obw'emirembe n'emirembe buliba bwaffe nga Yesu akomyeewo nga kabaka.

"Jjangu mukama waffe Yesu".

Christadelphian Bible Mission (Uganda), 404 Shaftmoor Lane, Hall Green, Birmingham, B28 8SZ.
CBM Office (Uganda), PO Box 725, Jinja, Uganda.